# KCCA erabudde abata kazambi n'akulukuta mu nguudo n'emyala



Hajjati Buzeki ng'aliko by'agamaba omukyala ku buyonjo bwe yabadde e Kamwokya ku Mmande.

Bya ERIA LUYIMBAZI

KCCA erabudde abantu abata kazambi n'akulukutira mu myala n'emifulejje nti, be bavuddeko okusaasaanya obucaafu mu Kampala. Wano w'esinzidde n'esaba ekitongole ekivunaanyizibwa ku kazambi okuteekamu emidumu egimutwala.

Bwe yabadde atongoza wiiki y'ebyobuyonjo e Kamwokya ku Mmande, akulira KCCA, Hajjati Sharifa Buzeki yagambye nti, waliwo abantu abalagajjavu abasusse okusuula kasasiro n'okuta kazambi n'akulukutira mu mifulejje n'emyala ssaako abeeyambira mu buveera ekivaako obuyonjo okusereba n'okusaasaanya endwadde eziva ku bucaafu.

Yagambye nti, okuwona ekizibu ky'abantu okuta kazambi mu myala n'emifulejje, ekitongole ekivunaanyizibwa ku kazambi kirina okuvaayo ne kiteeka emidumu mu bitundu gye gitali kuba mu kiseera kino emidumu egitwala kazambi mu Kampala gikola ebitundu 15 ku 100, nga gyetaaga okwongerwako kuba tegimala.

Yategeezezza nti, era KCCA eri mu nteekateeka ey'okuwandiika amakampuni ag'obwannannyini agasobola okunuuna kazambi okuva mu kaabuyonjo wamu n'okufuna ebyuma ebisobola okumunuunamu naddala mu bifo ebimotoka gye bitasobola kutuuka nga mu bifo eby'enzigotta.

Yagasseeko nti, KCCA ezimbye kaabuyinjo eza lukale 51 mu bifo nga obutale n'awalala.

## EBY'OKUSASULIRA KASASIRO

Buzeki yagambye nti, KCCA yagereka ebisale bya kasasiro ng'amaka gasasula 3,000/- buli mwezi ate ebifo ebikola ssente 5,000/-.

Yasabye abantu okwawula kasasiro avunda bamuteeke yekka n'atavunda yekka kuba omu asobola okuvaamu ssente nga obucupa ate omulala asobola okukolebwamu ebigimusa.

Yagasseeko nti KCCA yassaawo buli wiiki okubaako ebitundu gye bagenda ne bakunga abantu okukuuma obuyonjo.

Ye Dr. Daniel Kyabayinze okuva mu minisitule y'ebyobulamu yagambye nti, ku bantu 10 abagenda mu malwaliro, abamu endwadde abasawo ze babasangamu zisobola okwewalika kuba ezimu ziva ku bucaafu.



Ekifo abantu we bakung'aanyiza kasasiro mu Zooni 9 e Kitintale-Mutungo.

## 'KCCA esomese abantu'



**Andrew Muwanga : KCCA esseewo etteeka nga buli mupangisa asasulira kasasiro we. KCCA terina ssente ziyoola kasasiro mu bantu. Nsaba ne Gavumenti ezimbeyo ekibuga ekirala kuba Kampala afunze okusinziira ku bantu abasangibwamu.**



**Vastina Mutuuzo: Ssinga KCCA efuna ebimotoka ebiyoola kasasiro n'ebimusombawo, ekibuga kijja kubeera kiyonjo. Kasasiro ave mu bantu awo enkola ya Smart ejja kutuukirira. Ate mu kibuga wakati bateekewo konteyina omusuulibwa kasasiro.**



**Bosco Kasolo: KCCA eyongere amaanyi mu kusomesa abantu ku bikwata ku buyonjo kuba abamu tebabifaako era kye bava basuula kasasiro mu myala. Abantu bwe banaasomesebwa, bajja kukyusa.**



**Raziya Nabbale: KCCA efube okuteeka ebipipa mu bitundu eby'enjawulo abantu mwe basuula kasasiro kuba mu kiseera kino tebiriiwo. Olw'okuba tewali bipipa, abantu bamala gamansa kasasiro buli we basanze.**